

“Yesu Kristo jjo ne leero aba bumu n'okutuusa emirembe n'emirembe”

(Abaebbulaniya 13:8)

## EBBALUWA Omwezi gw'ekkumi n'ebiri 2012

### Maranatha! (Weewaawo) Mukama waffe, jangu!

“Weewaawo” (Maranatha) Kye kyali ekyogerwa mu bakkiriza mu kkanisa eyasooka. Babeeranga mu kusuubira kw'okukomawo kwa Kristo era baali ba mutima gumu era n'omubiri gumu. Lino lye lyali esuubi lye baalina mu biseera by'okuyiganyizibwa, eky'eyongerwa mu maanyi mu mwaka AD 63 wasi wa Nero. Oluvannyuma lwa byonna, Mukama bino bye yayogera edda: *“Mujjukire ekigambo kye nnabagamba nti Omuddu tasinga Mukama we. Oba nga banjigganya nze, nammwe banaabayigganyanga ...”* (Yokaana 15:20).

Okusuubira okulamu okw'okukomawo kwa Mukama waffe okwa suubizibwa (Yokaana 14:1-3) nalyo lye lyali esomo erisinga obukulu mu bbaluwa ey'abatume era n'awatali kubuusabuusa mu kubuulira kwabwe.

Yokaana yateeka esira ku bakkiriza bw'ati: *“Ne kaakano, abaana abato, mubeerenga mu ye; bw'alirabisibwa tulyoke tubeere n'obugumu, era ensonyi zireme okutukwatira mu maaso ge mu kujja kwe.”* (1Yokaana 2:28).

Peetero yawandika: *“Kubanga tetwagoberera ngero ezaagunjibwa n'amagezi bwe twabategeeza obuyinza n'okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo, naye twalaba n'amaaso gaffe obukulu bwe.”* (2Peetero 1:16).

Yakobo yaddamu n'abakakasa: *“Kale, ab'oluganda, mugumiikirizenga okutuusa okujja kwa Mukama waffe. Laba, omulimi alindirira ebibala eby'ensi eby'omuwendu omungi, abigumiikiriza okutuusa enkuba eya ddumbi n'eya ttogo.”* (Yakoobo 5:7).

Pawulo yalina ekyokulabirako: “BW'ATYO BWAYOGERA MUKAMA”: *“Kubanga ekyo kye tubabuulira mu kigambo kya Mukama waffe, nga ffe abalamu abaasigalawo okutuusa okujja kwa Mukama waffe tetulisooka abeebaka.”* (1Abasessaloniika 4:15).

Tumanyi nti wano tekiri ku kumu ku kujja kwe okw'enjawulo naye ku kujja kwe okwasuubizibwa mu kukomawo kwa Kristo.

Okukomawo okw'asuubizibwa okwa Kristo kwafuuka esomo ekulu ne William Branham: okuva ku kubikkulwa kw'obubonero mu mwezi gw'okusatu 1963 gwokka, yayogera ku “mugole” emirundi 870. ku kukomawo kwe, Anaawasa omugole ow'omuggulu alitwala bokka abagole abeeteeseteese ewaka awamu naye. Oluvannyuma lwa byonna, obuweerez bw'obunnabbi mu biro byaffe bwalina okuyita abakkiriza ab'atuufu okuva mu mivuyo gy'enzikkiriza zonna nga bayita mu bubaka obw'obwa Katonda era n'okubateekateeka olw'okujja okw'okubiri okwa Kristo. Okuteesa kwonna okwa Katonda kaakano kulangirirwa eri ekkansa so alyoke alongoosebwe nga bwe yali mu kusooka era esooble nate mu nkomerero okubeera ng'ekansa bwe yali ku Lubereberye.

Oluyoogaano “Weewaawo!” (Maranatha) kilaga okuyayana mu bakkiriza abalindiridde okukomawo kwa Kristo. Maranatha kigambo kya ba Aramaic era nga kirimu ebigambo bingi: Mar = Mukama, ana = waffe, tha = jangu: “Mukama waffe, jangu!”

Mu sula esembayo ey'ebbaluwa ye esooka eri Abakkolinso, Pawulo yawayo ekiwebwayo eky'omuwendo n'ebigambo bino: “*Kuno kwe kulamusa kwange Pawulo n'omukono gwange. Omuntu yenna bw'atayagalanga Mukama waffe, akolimirwenga. Mukama waffe ajja. Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe.*” vv. 21-23).

Waliwo abantu abagala Mukama, bakkiriza ekiwebwayo kye eky'ekisa era n'omukisa gw'obwa Katonda: “*Naye bonna abamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinnya lye ...*” (Yokaana 1:12), era waliwo abantu abatakkiriza ekyo ne babeera wansi w'ekikolimo. Buli muntu kin'omu yesalirawo yekka oba akkiriza obununuzi bwonna obw'amalirizibwa. Katonda yayagala abantu bonna okulokoka, era okutuuka mu kutegerera ddala amazima (1Timoseewo 2:4). Naye, bokka abalikaabirira erinnya lya Mukama balirokoka (Abaruumi 10:13). “*Oyo bannabbi bonna bamulangako nga buli amukkiriza aggibwako ebibi olw'erinnya lye.*” (Ebikolwa by'abatume 10:43).

Ng'abaggalatiya 1:6-9, abo bonna ababuulira enjiri endala etali gye eyo abatume gye baabuulira n'abo bali wansi w'ekikolimo. Ebigambo by'omutume Pawulo byokya ng'ekimyanso era biri nga ekibwatuka ky'oyo omuyinza w'ebintu byonna: “*Naye oba nga ffe oba*

*malayika ava mu ggulu bw'abuuliranga enjiri wabula nga bwe twababuulira, akolimirwenga.*” (v. 8). amakkanisa gonna ag'abakristayo, am'addini, n'okukkiriza nti gukusinze kulina okubeera ku musango, so bwe kityo ne ku buli mu buulizi.

Nga bwe kiri mu buli kuzibwa obuggya, mu abo kaakano abawulira obubaka obusembayo obw'okuyitibwa era n'okulongoosezamu n'obuweereza obwasuubizibwa nga Malaki 4:5-6 bwe kyogera ne Mukama waffe mu Matayo 17:11 era ne Makko 9:12 – waliwo bangi abayitibwa naye batono abalondebwa (Matayo 20:16). Okuyitibwa kw'ekiseera kino kwe: *“Laba, anaawasa omugole ajja! mufulume okumusisinkana!”* Abawala bali bonna ne balyoka bagolokoka, ne balongoosa ettabaaza zaabwe. Era nga waliwo abagezi n'abasiru. Abagezi be balonde; balina amafuta g'omwoyo, Naye obugagga obwo tuli nabwo mu bibya (2Abakkolinso 4:7), era buli Kigambo kya Katonda y'emmere y'obulamumu bo (Matayo 4:4).

Mu 1Bassekabaka 17:14 tusanga olugero olw'amaanyi okuva mu biseera bya Eriya n'okutuusa mu biro byaffe: *“Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Eppipa ey'obutta terikendeera so n'akasumbi k'amafuta tekaliggwaawo, okutuusa ku lunaku Mukama lw'alitonnyesa enkuba ku nsi.”* Omwoyo ogwasuubizibwa enkuba ey'attogo erijja, nga enkuba eya ddumbi bwe y'ajja (Isaaya 44:3, Yoweeri 3; Zekkaliya 10:1; Ebikolwa by'abatume 2:14-21; Yakobo 5:7; era n'endala), era tewalibeerawo kubulwa kw'emmere y'omwoyo (1Timoseewo 4:6). Omununuzi n'ayogera eri abanunulwa. *“Yesu n'abagamba nti eky'okulya kyange kwe kukolanga eyantuma by'ayagala n'okutuukiriza omulimu gwe.”* (Yokaana 4:34).

Omuntu yenna kyeyagalire akkiriza okulunggamizibwa kw'omwoyo gwa Katonda (Yokaana 16:13; Abaruumi 8:14) abeerera ddala mu bulamu obulungi mu bifo byonna naye atwala okweteekerateekera mu bumalirivu era nnafunu obusika obw'asuubizibwa obw'obulokozi era ne mu kumaliriza ne gutekebwako akabonero n'omwoyo omutukuvu (Abaefeso 1:11-14; Abagalatiya 3:14). Kubanga mbakwatirwa obuggya bwa Katonda: Kubanga nnabafumbiza bbammwe omu, ndyoke mbaleete eri Kristo nga omuwala omulongoofu. (2Abakkolinso 11:2) ne bayingira naye mu mbaga ey'obugole (Matayo 25:10).

Ettabaaza, ekyokulabirako okumulisa, abawala abasiru kye balina. Naye basubwa okweteekateeka kwabwe; nabo bakkiriza

okuvunuula kw'obusirusiru okw'abantu, naye abagezigezi bakkiriza ebyo byokka ebyawandiikibwa mu Kigambo. Ekyyo kyokka ekyawandiikibwa mu Baibuli mu butuufu kye kya Baibuli. Era buli njigiriza y'esigamira ku bujulizi bubiri, bussatu oba n'ebyawandiikibwa ebilara bingi.

Abagezi bajuzibwa omwoyo, ogulabisibwa n'okwagala okutuukiridde okwa Katonda: okwagala eri Ye, eri ekigambo kye, era ne mufu. Bino ebigoberera bye bigendera ddala gye bali: *“Era yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gona. Ery'okubiri lye lino nti yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. Tewali tteeka ddala erisinga ago obukulu.”* (Makko 12:30-31). Ebibiri birina okubeera awamu: Omuntu yenna ayagala Katonda naye ayagala ne mugandawe, era kitugwanira okuwangayo obulamu bwaffe ku lw'ab'oluganda.

Abayigirizwa Yesu be yayagala baali baawulira ekyyo Mukama kye yagamba eri abalabe baabwe: *“Yesu n'abagamba nti singa Katonda ye kitammwe, mwandijagadde nze ...”* (Yokaana 8:42).

Eri abayigirizwa be Mukama wabwe n'agamba, *“Etteeka eriggya mbawa nti Mwagalanenga; nga bwe nnabaagalanga mmwe era nammwe mwagalanenga. Bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange, bwe munaabanga n'okwagalana mwekka na mwekka.”* (Yokaana 13:34-35). Era: *“Mbalagidde bino, mwagalanenga.”* (Yokaana 15:17). Esira liri ku kigambo ekyya yogerwa *“Nga bwe n'abagala ...”* – mu ngeri bweti yennyini.

Omutume Yokaana yalaga Okwagala kwa Katonda eri ffe era n'okwagalana okw'oluganda nga kulabika mu ffe: *“Ku kino kwe tutegeerera kwagala, kubanga oyo yawaayo obulamu bwe ku lwaffe: naffe kitugwanira okuwangayo obulamu bwaffe ku lw'ab'oluganda.”* (1Yokaana 3:16).

Ekituufu, obulamu bw'ennyini Okwagala okw'obwa Katonda kwe kwokka “akabonero kakamanyiso” nti tuli bayigirizwa be ab'amazima. Okwagala tekawula, si na wadde mu bigezo ebizibu; okwagala kutabaganya era kigatta wansi w'embeera yonna; era kye kinyweza okutuukirira (Abakkolosaayi 3:14). mu kusoobola okunonyereza e'ngeri ebintu gye biri n'abuli omu ku ffe mu buntu, tulina okutunulira mu ndabirwamu ey'ekigambo (Yakobo 1:19-27).

Omuntu yenna atunulira mu ndabirwamu bulijo alaba omu yekka, si muntu mulala yenna.

Mu 1Abakkolinso 13 okwagala kwa Katonda kulimu byonna era kw'anjulwa gye tuli. Newakubadde twategeera ebyama byonna, yali ayogera n'olulimi lw'abantu ne bamalayika, oba balina ekirabo ky'obunnabbi era n'okukkiriza kwonna, tekyandibadde kya magoba gye tuli singa tetwalina kwagala. Okwagala okwakolebwa kwalabisibwa nga bwe ky'awandiikibwa: *“Okwagala kugumiikiriza, kulina ekisa; okwagala tekuba na buggya; okwagala tekwekulumbaza, tekwegulumiza, tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga, tekusiba bubi ku mwoyo ...”* (1Abakkolinso 13:4-8). Buli kimu ekyogeddwako mu mbeera bw'etyo kigendera ddala eri obulamu obw'abalonde. Bwetuti bwe tulina okubaawo mu bulamu bwaffe. Awo omulabe n'alyoka abeera nga tayinza ku tunenya ku nsonga yonna, kubanga ebigoberera bikolera ddala: *“... naye ndi mulamu; si ku bwange nate naye Kristo ye mulamu mu nze ...”* (Abaggalatiya 2:20) – aba mulamu mu ffe. Buli kintu kyonna kijja kuggwaawo, newakubadde ebirabo eby'omwoyo, naye okwagala kwa katonda tekuggwaawo emirembe gyonna (1Abakkolinso 13:8).

Okwagala kwa Katonda; yebikkula yennyini mu kwagala kwe mu Yesu Kristo, Mukama waffe era omulokozi: *“Kubanga Katonda bwe yayagala ensi ...”* (Yokaana 3:16). Okwagala kwa Katonda kufukibwa mu mitima gyaffe n'okujuzibwa kw'omwoyo omutukuvu (Abaruumi 5:5) era kilabisibwa mu ffe nga ekibala eky'omwoyo (Abaggalatiya 5:22-24). mu ngeri bw'eti, bonna abakkiriza abazaalibwa omulundi ogw'okubiri babatizibwa nga abakkiriza mu mubiri gwa Kristo, ekyokulabirako mu kkanisa Ye (1Abakkolinso 12:12-31).

Mu bbaluwa ey'omulembe gw'ekkanisa ogwasooka, Mukama yemulugunya nti abakkiriza baaleeka okwagala okw'olubereberye (Okubikkulirwa 2:4). tulina okuddayo ku kwagala kuno okw'olubereberye kaakano, ku nkomerero. Nga anaawasa omugole bwakola omugole we ekyokuwebwayo eky'okwagala era ng'alina okukikiriza mu butuufu okufuuka mugole we, so omuntu yenna ayagala okuba ekitundu ku kkanisa ey'omugole alina okukkiriza ekiwebwayo ky'okwagala n'anaawasa omugole ow'omu ggulu okusoobola okubeera ku mbaga ne ku mbaga ey'obugole (Okubikkulirwa 19:7-9).

Mu lunyiriri 7 kyawandiikibwa: “... *kubanga obugole bw'Omwana gw'endiga butuuse ...*” mu lunyiriri 9 tusoma: “*N'aggamba nti wandiika nti baweereddwa abayitibwa ku mbaga ey'obugole bw'Omwana gw'endiga.*” Obugole era n'embaga ey'obugole byonna bikolera wamu. Kituufu, era ne bulyoka bukakasibwa: “Bino bye bigambo bya Katonda ebyayogerwa eby'amazima.” ku kino twogera n'omutima gwonna nti Amiina.

Okumalirizibwa kw'abanunulwa kulituukirira mu kwagala kwa Katonda n'okutambula okwamaanyi okw'omwoyo, nga bwe kyali ku Lubereberye, era kino ne bonna “... *abagala okulabika kwe.*” (2Timoseewo 4:8). Wokka bajuzibwa n'okulindirira okusanyusa anaawasa omugole ow'omugulu era nga bakaaba ne mitima gyabwe gyonna: “Weewaawo – Mukama waffe, jangu!”

### **Mwekebere mwekka na mwekka**

“*Abaagalwa, kaakano tuli baana ba Katonda, so tekinnalabisibwa kye tuliba. Tumanyi nti bw'alilabisibwa tulifaanana nga ye; kubanga tulimulaba nga bw'ali. Era buli muntu yenna alina essuubi eryo mu ye yeetukuza ng'oyo bw'ali omutukuvu.*” (1Yokaana 3:2-3). Kituufu, okubikkulirwa kuno bwe kutuukirira! Ekyo kye tulindiridde. Naye wokka nga Kristo alabisiddwa mu bulamu bwaffe naffe tulilabisibwa naye mu kitiibwa (1Abakkolosaayi 3:1-4).

Tutuuse awasinga omugaso mu ntegeka yonna ey'obulokozi, era n'olwekisa tulina okuba ekitundu ku ebyo Katonda kyali kukola kaakano. Kirubirirwa kyaffe okukkiriza, okuba abalamu, era n'okuyigiriza mu buli mbeera nga ebyawandiikibwa. Tutwala okulabula mu bumalirivu: “*Naye mwekuumenga emitima gyammwe gireme okuzitoowererwanga olw'obuluvu n'okutamiiranga n'okweraliikiranga eby'obulamu buno, era olunaku luli luleme okubatuukako ng'ekyambika.*” (Lukka 21:34).

Ekya'omugaso nnyo gye tuli kwe kulabula kuno kwe yatuwa yennyini: “*Wekuumenga mugandawo ...*” (Lukka 17:3-4). Era “*Mugobererenga emirembe eri abantu byonna, n'obutukuvu, awatali obwo siwali alilaba Mukama ...*” (Abaebbulaniya 12:14). Mu bakkiriza, ebintu byonna birina okumalirizibwa okuyita mu kusonyiyibwa era n'okutabagana (Abakkolosaayi 3:12-17).

Oyo yekka alina obubanyirivu bw'okwogerezeganya kwennyini era n'okuzibwa obuggya okusinzira ku Baibuli: *“Natulokola, si lwa bicolwa eby'omubutukirivu bye twakola ffe wabula olw'okusaasira kwe, olw'okunaazibwa omulundi ogw'okubiri n'okufuulibwa abajja mu mwoyo omutukuvu ...”* (Tito 3:5) – Omuntu oyo yekka ayinza okwogera nti, *“... naye ndi mulamu; si kubwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze ...”* Wokka nga tuleese wabweru ebyaffe ebyayita, *“Ndi,”* awo tulyoke tukakasibwe ffe abaggya – *“Nga bw'onokkirizanga!”* – n'obuziba obw'obulamu bwaffe (Abaefeso 4:22-29). Mu mubiri gwe, omununuzi waffe yali mu bulamu obuggya Obw'obwa Katonda nga ekyokulabirako gye tuli: *“Naye si nga nze bw'enjagala kwange, wabula nga ggwe bw'oyagala!”* (Makko 14:36). Kituufu, yabonaabona era n'atwala omusango gwonna okumusinga okusoobola okutulaga nga abatukuvu, abataliko kunenyezebwa, abataliko kubuusabuusa mu maaso ge. (Abakkolosaayi 1:22; Abaefeso 5:27).

Tekimala okwogera obulungi oba okuwandiika ku kkanisa ey'omugole era n'okutwalibwa mu ggulu bwe tuba nga tetulaga n'obumalirivu bwonna ebintu ebilibaamu omuntu yenna okuva mu bwakabaka Katonda era n'okuva mu kutwalibwa mu ggulu. Mukama yayogera edda ku Isiraeri: *“Kale, kaakano, bwe munaawuliranga eddoozi lyange ddala, ne mukwata endagaano yange, bwe mutyo munaabanga ekintu kyange ekiganzi mmwe mu mawanga gonna: kubanga ensi yonna yange: nammwe mulimbeerera obwakabaka obw'abakabona, n'eggwanga entukuvu.”* (Okuva 19:5-6). Mu ndagaano empya, abayigirizwa Yesu be yayagala bawandiika: *“Atwagala, era eyatusumulula mu bibi byaffe olw'omusaayi gwe; natufuula obwakabaka, bakabona eri Katonda kitaffe ...”* (Okubikkulirwa 1:5-6; 5:9-10).

Omuntu yenna asoma mu byawandiikibwa ebitukuvu n'obwegendereza, oba nga biri mu ndagaano enkadde oba empya, ategeera nti okutukuzibwa kusooboka wokka n'obugonvu ng'oleeka ekigambo kya Katonda mu bifo byonna. Yesu Kristo, Mukama waffe, yatununula era n'atujja okuva mu bibi byonna, okuva mu butali butuukirivu bwonna, okuva mu kikolimo kyonna. Abanunulwa teboogera ku *“ekisa ekitaliko muwendo”* naye bicolwa bya Kigambo. Nga ensonga eyokugoberera, batwala buli kintu Mukama kye yalagira mu Kigambo kye. *“Ng'abaana abagonda, nga twefaananya okwegomba okw'edda okw'omubutamanya bwammwe naye ng'oyo*

*eyabayita bw'ali omutukuvu era nammwe mubeerenga batukuvu mu mpisa zonna; kubanga kyawandiikibwa nti munaabanga batukuvu kubanga nze ndi mutukuvu ...* (1Peetero 1:14-16).

Katonda yetaga entegeka era n'obutuukirivu mu kkanisa ye. Obutakirizza era n'obujemu eky'ekomeredde tebuyinza kuyimirira mu maaso ge (Abaebbulaniya 3:18-19). Yali Pawulo okusingira ddala oyo mu bbaluwa ze ennyingi yalaga ebintu ebiri beeramu omuntu yenna okuva mu bwakabaka bwa Katonda. Olumu yalaga 15 “Emirimu gy'omubiri,” ekyokulabirako obwenzi, obukaba, empitambi, okusinza ebifaananyi, okuloga, obulabe, okuyomba, obuggya, obusungu, empaka, okweyawula, okwesalamu, ettima, obutamiivu, ebinyumo. n'ebiri nga ebyo tebalisikira bwakabaka bwa Katonda. Naye, obutafaanana n'ebyo mu bulambululukufu n'ayogera nti buli atambulira mu mwoyo “... *temuutuukirizenga kwegomba kwa mubiri.*” (Abaggalatiya 5:16-21). Tekiriko kubuusabuusa nti tewali muntu alisangibwa mu mirimu bwe gityo egy'omubiri alitwalibwa mu ggulu. Kiriba kisanidde eri kyo okutunulira mu ndabirwamu ey'ekigambo era n'okusoma ebyawandiikibwa bwe bityo nate.

Buli mukkiriza ow'amazima ali omu ku mugole w'Omwana gw'endiga, oba musajja oba mukazi oba mulenzi oba muwala yetuukuza yekka, newakubadde nga mutuukirivu bw'atyo, n'omusajja atakkiriza, n'omukazi atakkiriza newakubadde n'omwana atakkiriza tewalibeera n'abutakkiriza bwa munda okulwanyisa ekigambo kya Katonda, si na katono.

*“Abakazi, muwulirenga babbammwe, nga bwe kiri ekirungi mu Mukama waffe.*

*Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, so temubakwatiranga bukambwe.*

*Abaana abato, muwulirenga abakadde bammwe mu byonna kubanga ekyo kye kisiimibwa mu Mukama waffe.”* (Abakkolosaayi 3:18-20).

Buli ali kitundu ku kkanisa y'oyo Omubereberye eyazaalibwa, omuntu eteekebwa ku musalaba ne Kristo era nga yafuna obulamu obuggya n'amaanyi g'okuzuukira kwe, kumalirira okuwulira ekigambo kya Katonda era ng'akikkiriza okulongoosa ekibi ekijja kyonna.



Olw'okutuukiriza ekkansa Katonda ataddewo obuweereza “... *olw'okutuukiriza abatukuvu olw'omulimu ogw'okuweereza* ...” (Abaefeso 4:11-15). Bwe tusoma 1 Abakkolinso 4:11, tutegeera nti ebirabo mwenda eby'omwoyo biweereza ekirubirirwa kino nabyo. Okuva ku lunyiriri 12 – 26, obwegassi obw'enkomeredde obwabakkiriza mu mubiri gwa Kristo kiteekebwako esira, era mu lunyiriri 27-31, ekkansa nate emulisibwa okuba ng'omubiri gwa Kristo, mu ekyo Katonda yennyini yateekawo abatume, bannabbi, abayigiriza, era n'abalala. Buli atawa kitiibwa kino aba muzibe mu mwoyo, omuvoozi, omunyomi (Okubala 16:30; Ebikolwa by'abatume 13:41), era buli eyeyawula yennyini okuva ku kkanisa asikkirizibwa ebikolwa ebikyamu; omwoyo teguyinza kwogera naye nate era atambulira mu makkubo ge ye yennyini. Oluvannyuma lwa byonna, Mukama tava mu ttabaaza ye (Okubikkulirwa 2:1). Kisooboka kitya abakkiriza abagamba nti bagoberera obubaka, naye abatakungana mubo bokka na bokka, abatayimbira awamu, abatajaguza mubiri gwa Kristo awamu, naye nga betwala nti bakyaliki kitundu ku mugole, abawanguzi era nga balowooza nti balikkirizibwa okujaguza embaga ey'obule mu ggulu, awamu nga bayimba oluyimba lw'Omwana gw'endiga?

Wano kyeyolesa lwatu nti tuli kitundu ku kkanisa eya Yesu Kristo oba nga ekugganiro y'enzikkiriza. Kirina okulagibwa nti obuweereza obwatumibwa ne Katonda yennini tebuleetangako kwawukana n'okutuusa leero, kubanga obuweereza bwonna obwalagirwa ne Katonda buweebwa olw'okuzimba omubiri gwa Katonda si lwa kusanyizibwawo. Oba okuba n'enjigiriza ey'amazima okuleeta okwawukana. Bokka ababuulizi abeteekawo bakkiriza okuvunuula kwabwe okw'ekyeyagalire okuleeta enjigiriza zaabwe ez'obulimba, ekileeta awatali kukugirwa okwawukana. “*Era mbeegayiridde ab'oluganda, mutunuulirenga abo abaleeta eby'okwawukanya n'ebiyokwesittaza, ebitali bya kuyigiriza kwe mwayiga: mubakubenga amabega abo.*” (Abaruumi 16:17).

Tewali n'omu ali kitundu ku mwana gw'endiga atalikkiriza kigambo era n'omusaayi gw'endagaano wabula alyeyongeera okukolera mu byawandiikibwa era naba mulamu okusinzira ku kyo. Omugole kaakano awulira obubaka obusembayo, obukulemba okujja okw'okubiri okwa Kristo, era ne kuba n'obumanyirivu bw'okuyitibwa, okwawulibwa, era n'okweteekateeka, so ku nkomerero, alyoke abeere mu kusseekimu okutuukiridde n'oyo

anaawasa omugole – obutabeera wabweru w'ekigambo mu nsonga n'emu, obutaba mujemu wadde mu nsonga n'emu, akkiriza awatali kya kwekwasa era awatali kulya nguzi! Eky'enkomeredde kye kye Kigambo kya Katonda kyonna mu ndagaano enkadde n'empya.

Si mulonde n'omu alileeka ekiragiro eky'olubereberye era naba ne bakatonda abalala; tewali n'omu alikyusa Katonda omu Elohim/ Yakuwa mu bassatu abataggwaawo, abassatu abalina obuyinza bwe b'ebintu byonna, bakatonda abassatu abamanyi byonna, Si omu ku bo alitondawo akabonero oba ekifaananyi; teri n'omu ku mulonde alitunuulira ekifaananyi ky'omusalaba (Ekyamateeka elw'okubiri 27:15), naye baalisinza Katonda yekka mu mwoyo era ne mu mazima, mu linnya lya Yesu Kristo (Yokaana 4:24).

Tewali mulonde n'omu alikozesa obubi erinnya etukuvu ery'endagaano erya Mukama Katonda YAKUWA oba YAHSUA/ Yesu. Teri n'omu alitta nga Kayini bwe yakola, oba akola empisa ey'okutta oba olwogera eby'obulimba ku muntu mune. Tewali n'omu eyanunulibwa abeerawo mu kusobya kw'ebiragiro ekkumi oba ebimu ebikwata ku byo, nga bwe byawandiikibwa mu Eby'Abaleevi 20 ne Ekyamateeka Olw'okubiri 27:15-26. Mu balonde nabo tewaliwo kuwasaganya kw'abantu bekikula ekimu, oba n'abakazi oba basajja (Abaruumi 1:24-32). Katonda yennyini yateekawo buli kintu mu bifo byonna era ng'atuwa amaanyi g'omunda okubeerawo mu bugonvu so tusoobole okuwa ekitiibwa entegeka ey'obwa Katonda, mu by'omwoyo ne mu by'omukka.

### **Akabonero kokulabirako**

*“Ku kino abaana ba Katonda n'abaana ba Setaani kwe balabikira: buli muntu yenna atakola butuukirivu si wa Katonda, newakubadde atayagala muganda we. Kubanga kino kye kigambo kye mwawulira okuva ku Lubereberye ffe okwagalananga.”* (1Yokaana 3:10-11). Ekigambo kino mu bulambulukufu kyogera nti abaana ba Katonda n'abaana ba Setaani (Matayo 13:38) bategeerekeka, ekyokulabirako mu butongole okwagalanaga ab'oluganda. Naffe twawulira obubaka obwasooka, obwaliwo okuva ku Lubereberye. Ekigambo kituteekawa? Mu biseera by'obulamu bwe ku nsi, omubaka nate yakyusibwa okugenda mu Lusuku lwa Katonda, era bwe yali eyo yawulira ebigambo byonna: “Okwagala kwokka okutuukiridde kwe kuli yingirayo!”

Kituufu, kyabumalirivu nnyo: *“Buli muntu yenna akyawa muganda we ye mussi; era mumanyi nga tewali mussi alina obulamu obutaggwaawo nga bubeera mu ye.”* (1Yokaana 3:9-15). *“Buli muntu yenna akyawa muganda we ...”* kitwalibwa okuba nga kyenkanakana n'omussi; kino kigendeera ddala emabega eri Kayini (Olubereberye 4). Obukyayi y'engeri endala etali kwagala; obukyayi tebukkiriza; okwagala kukkiriza. Kituufu, Mukama yaogerera ddala nga bwe kyali kyetagisa: *“Omuntu bw'ayogera nti Njagala Katonda, n'akyawa muganda we, mulimba; kubanga atayagala muganda we gwe yali alabyeko, Katonda gw'atalabangako tayinza ku mwagala.”* (1Yokaana 4:20). Omulonde atwala ebigambo bwe bityo mu mutima gwe, era n'ebekebejja bennyini. Abalala bonna tekibakwatako. Bajja kweyongera okwagala mu ngeri nga Kayini. (Iyokaana 3:12). Kayini ne Abiri baali mu lubuto lumu – nga bwe kyali ku Esawu ne Yakobo: omu ya kkirizibwa omulala n'atakkirizibwa. Mu kutwalibwa mu ggulu, babiri baliba ku kitanda; omu alitwalibwa, n'omulala alirekebwa. (Lukka 17:34).

N'ekyokulabirako kya Esawu ne Yakobo, Katonda yaatulaga eky'okukkiriza n'ekyobutakkiriza, kiki ekyokwagala ne ky'obukyayi kye kitegeeza okuva ku nsonga gye yayogera. *“Omugugu ogw'ekigambo kya Mukama eri Isiraeri ekyajjira mu Malaki. Nnabaagala, bw'ayogera Mukama. Era naye mwogera nti watwagala otya? Esawu teyali muganda wa Yakobo? Bw'ayogera Mukama: era naye nnamwagala Yakobo; naye Esawu nnamukyawa ...”* (Malaki 1:1-3; Abaruumi 9:13).

Yakobo yayagala okuba n'obusika obw'ali n'omukisa gwa Katonda okuva ku Lubereberye (Olubereberye 25:29-34). Eri Esawu tekirina kye kyategeeze, naye Yakobo yakyagala ku muwendo gwonna. Katonda kwagala. Obukyayi bwe eri Esawu bw'ali mu kukyayibwa. Ye yennyini bw'ayogera, *“N'ayagala – n'enzikkiriza Yakobo, era n'ekyawa Esawu.”* Okusooka Esawu yakyayibwa ne Katonda olw'obutassa kitiibwa mu busika bwe. Awo n'alyoka atandiika okuyiganya Yakobo. Bwe kityo bwe kiri ne leero: Buli muntu yenna eyamaliriza oba atanaafuna obusika ayiganaya oyo afunye obusika n'ekisa, Tekiberangako mu ngeri endala yonna.

Katonda takolera ku kwagala kw'omuntu yenna, naye taawaliriza muntu yenna okukkiriza omukisa gwe ogw'obusika, gwe tusoobola okubeera n'agwo okuyita mu Yesu Kristo yekka, ezzadde

ery'olubereberye mu b'oluganda abangi (Abaruumi 8:28-30). Yakobo n'ameggana ne Katonda era n'ayogera nti: “*Sijja kukuta wabula ng'ompadde omukisa.*” (Olubereberye 32:22-32). Ey'atwala ekifo eky'omuntu omulala yafuuka Isiraeri – omulangira ne Katonda. Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: mu Kristo (2. Abakkolinso 5:17).

Kisigalawo emerembe gyonna nga ky'amazima: Omuntu yenna azaalibwa abakkiriza ba Katonda Katonda ne Kigambo kye era nga takola kibi n'abutakkiriza “... *kubanga yazaalibwa Katonda.*” (1Yokaana 3:9). Ekibi ekyasooka eky'obutakkiriza era n'obujemu obwegatta ku kyo era nate bukolebwako ne mu byonna n'okukkiriza okw'amazima n'obugonvu. Ibulayimu yakkiriza (Olubereberye 15:6), era Ibulayimu yagondera Katonda (Olubereberye 22:16); mu ngeri y'emu, ensigo ya Ibulayimu kaakano ekkiriza era n'egondera Katonda (Abaggalatiya 3:6-20); Yakobo 2:21-26). nga ezzadde ly'omukazi lirikubetenta omutwe (Olubereberye 3:15) era n'okukkiriza kwaffe, okuwangudde ensi, kufuuse obuwanguzi bwaffe 1Yokaana 5:4), Ffe awatali kubuusabuusa twafuna obwa Katonda era n'empisa za Yesu Kristo okuyita mu kuzaalibwa okuggya, era “... *kubanga ensigo ye ebeera mu ffe ...*”

Ensigo ey'obwa Katonda ye ki? Ensigo kye Kigambo, omuli obulamu (Lukka 8:11). Abanna ba Katonda ab'amazima babeera mu Kigambo; ekigambo ekisigibwa mu nnimiro enungi (Makko 4:26-29). Nga bwe kikula, ne kileeta ebibala era ne kibeera mu byo (Yokaana 15:5-7). “*Olw'okuteesa kwe yatuzala n'ekigambo ekyamazima, tulyoke tubeere ng'omwaka omubereberye ogw'ebitonde bye.*” (Yakobo 1:18). Ekigambo ekyawandiikibwa kyafuuka ekyabikkulwa (Abaruumi 10:16-17) okuyita mu ekyo twazaalibwa omulundi ogw'okubiri nate mu suubi ery'obulamu. (1Peetero 1:3+23). “*Naye buli akwata ekigambo kye, mazima okwagala kwa Katonda nga kumaze okutuukirizibwa mu oyo ...*” (1Yokaana 2:5), era: “*Tewali eyali alabye ku Katonda wonna wonna: bwe twagalana, Katonda abeera mu ffe, n'okwagala kwe nga kutuukiridde mu ffe.*” (1Yokaana 4:12). – mu ffe n'okutuusa ku kutuukirira! Amiina.

Ddala, ebigambo bwe bityo bitutwala ku kinyusi kyennyini! Wokka mu kwagala kwa Katonda abo bonna abali ekitundu ku kkanisa ey'omugole be bafuna okutuukirira, kubanga nnabbi

w'ekiseera kyaffe n'agambibwa nti okwagala kwokka okutuukiridde be baliyingirayo.

Obubaka obw'obwa Katonda – obw'ababuulizi, okuyigiriza, era ekitundu eky'obunnabbi – nga obumanyirivu obw'obulokozi bwe bumu ne leero nga bwe bwa'ali mu nnaku z'abatume. Okubuulira okusooka n'okusembayo, okubatiza okusooka n'okusembayo kulina okuba nga kwe kumu (Ebikolwa by'abatume 2:37-42). *“Mukama omu, okukkiriza kumu, okubatizibwa kumu ...”* (Abaefeso 4). Ekiragiro ekikulu eri abaana ba Katonda kukyali kwe kwagala okukyakolebwa n'okutuusa kaakano, nga akabonero akokulabirako nti Katonda emirembe gyonna abeera mu ffe. Ekintu ekilala kibeera ekitalimu makulu, eby'okugezesa eby'enzikkiriza, era n'okulimba bennyini. Bulijo byombi bibeerawo: ebyokusoma n'ebyaddala. Waliwo, ekyokulabirako, enjigiriza ey'okuyusibwa n'okuzaalibwa okuggya, era waliwo obumanyirivu bumu obw'omuntu obw'okuyusibwa era n'okuzaalibwa okuggya. Omwana ow'amazima eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri owa Katonda ajja kuba n'obulamu era n'embeera eya Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, era azaala ebibala eby'omwoyo omutukuvu.

### **Omwana w'omuntu bwe yebikkula yennyini, era bw'ajja**

Mu Matayo 24, mu Makko 13, mu Lukka 17, ne mu Lukka 21 tugambibwa ekibeerawo mu biseera by'enkomerero, Omwana w'omuntu bwe yebikkula, era naffe mu mazima tugambibwa ekibeerawo bw'aba aze. Mu kiseera kyaffe yebikkula yennyini mu ngeri y'emu nga bwe yakola emabega edda, mu biseera by'emyaka gy'obuweereza bwe, bwe yatambulira ku nsi. Yakka wansi mu kire era ne mu mpagi ey'obutangavu era n'asanga ekibya mwe yali asoobola okwebikkula yennyini nga Omwana ow'omuntu nga bwe yali mu biseera by'emyaka gy'obuweereza bw'obunnabbi.

Mu mwezi gw'okutaano 7, 1946, omubaka ow'omugulu n'ayogera eri ow'oluganda Branham ekiribeera mu buweereza bwe. Akabonero ke kamu ak'onunnabbi obwa Masiya nga Omwana w'omuntu (Yokaana 1; Yokaana 4; Yokaana 5:19; a. o.), e'ngeri gye kyatuukirira mu maaso gabayudaaya n'abasamariya emabega, kibaddewo mu biseera byaffe mu kkanisa okuva mu mawanga. Ow'oluganda Branham yali akyogerako buli bwe yali ng'agenda okusabira abantu. Kituufu, yakigerageranya n'ekyo ekjaliwo mu biseera bya Sodoma,

Mukama bwe yasisinkana Ibulayimu (Olubereberye 18). Kino kisoobola okulambulurwa mu kubuulira kwe mu bujuvu. Nze kenyini ndi mu julizi eyalaba n'amaaso era n'awulira n'amatu gange mu myaka 1955-1965.

Okukomawo kwa Yesu Kristo, naye, kulibeerawo nga teri n'omu amanyi, nga okutwalibwa kwe mu ggulu. Yakigumiza yennyini, ekyokulabirako “... *Kubanga ng'okumyansa bwe kuva ebuwanjuba, ne kulabikira; bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu.*” (Matayo 24:27). “*Mangu ago, nga kutemya kikowe, akagombe ak'enkomerero bwe kalivuga: kubanga kalivuga, n'abafu balizuukizibwa obutavunda, naffe tulifuusibwa.*” (1Abakkolinso 15:52).

Ekitundu ky'obunnabbi obusuka mu 100 mu ndagaano enkadde, obwatuukirizibwa mu kujja okwasooka okwa Kristo, n'akyo ye Zabbuli 47:6: “*Katonda alinnye n'okwogerera waggulu, Mukama alinnye n'eddoboozi ery'akagombe.*” Ng'omuwanguzi, Mukama eyazuukiriz yatwalibwa mu ggulu n'omubiri mu kire n'okwogerera waggulu, alinnya n'eddoboozi ery'akagombe era n'ekigambo ne kituukirizibwa: “*Muyimuse emitwe gyammwe, mmwe enzi; Nammwe muyimuke, mmwe bawankaaki abataggwaawo: Ne kabaka ow'ekitiibwa anaayingira. Kabaka ow'ekitiibwa ye ani? Mukama ow'amaanyi ow'obuyinza, Mukama ow'obuyinza mu kulwana.*” (Zabbuli 24:7-8). Mu kiseera ekyo, Mukama yatwala abatuukirivu b'endagaano enkadde abaazuukira naye (Matayo 27:50-54) mu kitiibwa. Ng'ebikolwa by'abatume 1:9-11, Mukama y'omu eyazuukira alikomawo mu ngeri bwetyo nga bwe yatwalibwa waggulu mu ggulu (Lukka 24:51).

Ekigambo ky'ekimu “okwogerera waggulu” okuva mu Zabbuli 47:6 kiyinza nate okusangibwa mu 1 Abasessaloniika 4:16, Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'okwogerera waggulu, okwogera okw'obuwanguzi. Nga bwe kyali mu kuzuukiza Lazaaro, we kyogera: “*Bwe yamala okwogera bwati, n'ayogerera waggulu n'eddoboozi eddeni nti lazaaro fuluma ogye.*” (Yokaana 11:43), mu kiseera ekyo okusooka kiriba ku kuzuukira kw'abo abafa. Nga 1Abasessaloniika 4:13-18, alikka nate mu mubiri n'okwogerera waggulu, eddoboozi ery'akagombe, era n'eddoboozi lya Malayika omukulu. Eddoboozi lye eddene, n'eddoboozi eriragira, abo abafiira

mu Kristo be balisooka okuzuukira, naffe abalamu abaasigalawo balifuusibwa okuva mu mubiri ogufa okuyingira mu gutafa.

Obuwanguzi bw'omununuzi n'abwo bwe buwanguzi bw'oyo eyanunurwa. Okuzuukira kwe kye kikakasa okuzuukira kwaffe. Okufuusibwa kwe okw'omubiri okuva mu gufa okuyingira mu gutafa era n'okutwalibwa kwe mu ggulu – buli kintu ekyamuliko n'akyo kiri tubeerako. Omutume Pawulo yawandiika ku kyo: *“Kubanga oguvunda guno kigugwanira okwambala obutavunda, n'ogufa guno okwambala obutafa. Naye oguvunda guno bwe guliba nga gumaze okwambala obutavunda, n'ogufa guno okwambala obutafa, Ekigambo ekyawandiikibwa ne kiryoka kituukirira nti okufa kumiriddwa mu kuwangula.”* (1Abakkolinso 15:53-55).

Okutwalibwa mu ggulu kye kiriba ekyenkomeredde, okukomawo okusembayo, okwambazibwa engule ey'omulimu oguwedde ogw'obununuzi, nga bonna abali ekitundu ku mugole ogw'omwana gw'endiga mmwe balibeera. Kiriba eky'amazima eky'obwa Katonda ekimalirizibwa, naffe tulibeera ne Mukama emirembe gyonna (1Abasessaloniika 4:17). Ekiyubizo okuva mu Yokaana 14:1-3 kilyoke kituukirizibwe: *“... ndikomawo nate n'embatwala gye ndi; nze gye ndi, nammwe mubeere eyo.”* Abaana b'okusuubiza (Abaggalatiya 4:28) bakkiriza ebisuubizo byonna ebya Katonda ebiri weewaawo era kyava aleeta Amiina (2Abakkolinso 1:20-22). Walyoke wabeerewo okusanyuka okunene, nga Peetero bwe yawandiika: *“... musanyukenga: era ne mu kubikkulibwa okw'ekitiibwa kye mulyoke musanyuke n'okujaguza.”* (1Peetero 4:13b).

*“N'empulira ng'eddoboosi ery'ekibina ekinene, era ng'eddoboosi ery'amazzi amangi, era ng'eddoboosi ery'okubwatuuka okw'amaanyi, nga byogera nti aleruuya: kubanga Mukama Katonda waffe omuyinza w'ebintu byonna afuga. Tusanyuke, tujaguze, tumuwe ekitiibwa ye: kubanga obugole bw'omwana gw'endiga butuuse, ne mukazi we yeeteeseteese.”* (Okubikkulirwa 19:6-7).

Buli kintu kirimalirizibwa mu mazima! Buli muntu yenna eyazaalibwa mu mazima n'ekigambo nsigo era n'omwoyo, buli muntu yenna azaalibwa Katonda buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda akkiriza buli kintu nga ebyawawndiikibwa bwe bigamba. Okusiima kubeere eri Katonda nti tuteeka ebintu byombi mu mazima, ekyokulabirako “Bwe yebikkula yennyini” era “kiki ekibeerawo bw'ajja,” mu bwa Katonda bwabwe, entegeka ya Baibuli! Atuwadde

ekisa kye ku lwekyo, era n'omutima gwonna tukiwadde ekitiibwa “... nga mumaze okutegera kino, nti buli kigambo ekya bannabbi ekyawandiikibwa tekitegeza kukoma kw'oyo yekka.” (2Peetero 1:20). Buli kuvunuula kw'omuntu kin'omu bulimba, era kya buvoози.

Buli ayigiriza nti n'okubikkulibwa kw'obubonero entebe y'ekisa efuuse entebe ey'omusango era Mukama ali biseera by'okukka oba yamala okujja agudde ku mulembe ogwakyatyabaga, era bonna abakikiriza. Kikyali kiseera kya kisa; omusaayi gukyatwogerera (Abakkolosaayi 1:14; Abaebbulaniya 9:14); ng'abo abatumbwa naye, tukyakaba: “*Mutabagane ne Katonda.*” (2Abakkolinso 5:14-20); Ababi bakya lokolebwa. Akyanoonya ababe, bonna abaterekerwa obulamu obutaggwaawo (Ebikolwa by'abatume 13:48)! Obubaka, obukya kulembera okujja okw'okubiri okwa Kristo kutwaliramu n'obulokozi obujuvu.

Buli kintu nnabbi kye yagamba kirina okutekebwa mu butuufu bw'akyo obw'obwa Katonda mu Baibuli. Ekigambo ekyawandiikibwa Ow'oluganda Branham kye yayogerako emirundi n'emirundi nga eky'enkomeredde kye, kye kyokka eky'enkomeredde kye tulina. Buli muntu yenna atateeka bigambo bye mu Baibuli ajja kuvunuula bubu ebigambo bye era akyaanye abantu. Eno y'ensonga lwaki ebibinja byonna eby'enjawulo mu bubaka obw'enkomerero bimeruse. Naye buli wali enjigiriza ey'obulimba, Katonda mazima ddala tasoobola kubeeramu, kubanga Katonda ge mazima ag'enkomeredde: “... era tuli mu oyo ow'amazima, mu Mwana we Yesu Kristo. Oyo ye Katonda ow'amazima, n'obulamu obutaggwaawo.” (1Yokaana 5:20b). Abantu bano banzisaamu ekitiibwa kya ku mimwa; Naye omutima gwabwe gundi wala. Naye bansinziza bwereere, nga bayigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata. (Matayo 15:8-9; Makko 7:6-7). Katonda ow'amazima mu nsonga eno tasoobola na kukiwulirisa. Okusinza okwa n'amaddala okutukuvu kwe kwetagisibwa: “*Katonda gwe mwoyo: n'abo abamusinza kibagwanira okusinzanga mu mwoyo n'amazima.*” (Yokaana 4:24).

### **Eky'asiimibwa Katonda ng'okutwalibwa mu ggulu tekunnabaawo**

*“Ow'okukkiriza, Enoch yatwalibwa obutalaba kufa; n'atalabika kubanga Katonda yamutwala: kubanga bwe yali nga tannatwalibwa yategeezebwa okusiimibwa Katonda.”* (Abaebbulaniya 11:5).



Katonda yasiima Enock ow'omusanvu oluvannyuma lwa Adamu, era amangu ago n'atwalibwa mu ggulu. Mu ngeri y'emu, bonna abalamu kaakano era balitwalibwa mu ggulu awatali kulaba kufa balina okusiimibwa mu maaso ga Katonda. Mu ndagaano enkadde, waliwo ekibi okuwaayo (Okuva 29; a. o.) era ne saddaka esiimisa Katonda mu ngeri ey'okuwaayo era n'okulangirirwa ekinywa: *“Naye anaawuubawuubanga ekinywa mu maaso ga Mukama, okukkirizibwa ku lwa mmwe: ku lw'enkya oluddirira ssabbiiti kabona kw'anaakiwuubiranga.”* (Eby'abaleevi 23:11). Ekinywa ekyekibala ekibereberye kyawuubibwawuubibwa mu maaso ga Mukama okukola abantu ba Katonda okusiimibwa ye: okusooka engaano, n'ekinywa, era n'emmere ey'ekibala ekibereberye (Eby'abaleevi 23:19-25).

Bonna abalonde yabaawula dda mu Yesu Kristo (Abaefeso 1:3-5). Yali nsigo enkalu ey'engaano eyagwa ku ttaka era n'efa n'ebala emmere nyingi (Yokaana 12:24), era abanunurwa be baliba engaano eyakungurwa ku nkomerero: *“Olugali lwe luli mu mukono gwe, naye alirongoosa nnyo egguuliro lye; alikunggaanyiza engaano mu ggwanika, naye ebisusunku alibykya n'omuliro ogutazikira.”* (Matayo 3:12).

Ebigoberera byawandiikibwa dda mu ndagaano enkadde ku mununuzi waffe mu kulaga entegeka ey'obulokozi: *“Laba omuweereza wange gye mpanirira; omulonde wange obulamu bwange gwe busanyukira: ntadde omwoyo gwange ku ye; alyolesa omusango eri ab'amawanga.”* (Isaaya 42:1).

Oluvannyuma yabatizibwa ne Yokaana era n'afuluma mu mazzi, omwoyo gwa Katonda gwakka ku ye, *“Laba eddoozi ne liyima mu ggulu, nga ligamba nti Oyo ye Mwana wange, gwe njagala, gwe nsanyukira ennyo.”* (Matayo 3:17; Makko 1:11). nga tannabatizibwa mu mazzi, Omwana n'agamba, *“... kubanga kitugwanira bwe tutyo okutuukiriza obutuukirivu bwonna. N'alyoka amukkiriza.”* “Ffe” wano kyamugaso nnyo. Tw'ateekebwamu nga abaana ab'obulenzi n'abobuwala aba Katonda. N'okubatizibwa mu mazzi, abakkiriza batuliragana ebibi byabwe mu kukkiriza omununuzi wabwe; n'okubatizibwa kw'omwoyo omutukuvu, atwoleka okukkiriza kwe eri abanunurwa.

Ku lusozi lw'okukyusibwa, ebigoberera bye byaliwo: *“Bwe yali ng'akyayogera, laba, ekire ekimasamasa ne kibasiikiriza: laba, eddoozi ne liva mu kire, nga ligamba nti Ono ye Mwana wange gwe*

*njagala, gwe nsanyukira ennyo; mumuwulire.*” (Matayo 17:5). “... *mumuwulire.*” ensigo eyamazima eya Katonda elabisibwa mu baana bonna ab'obulenzi n'abobuwala aba Katonda, kisanyusa nnyo Katonda era bamuwulira.

Omugole yenna yanunurwa mu bujuvu era alagibwa nga talina kunenyezebwa kwonna era asiimibwa mu maaso ga Katonda. Nga Katonda bwe yasanyukira nnyo omununuzi bwe yafuuka omuntu, so ne kaakano kirina okulabisibwa nti naye asanyukira ekkansa ye yennyini eyanunurwa, mulyoke mugabanire awamu obuzaaliranwa bwa Katonda. (2(Peetero 1:4).

Omutume yatulabula: “*So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala ebirungi, ebisanyusa, ebituufu.*” (Abaruumi 12:2).

“*Kubanga ebibala by'omusana biri mu bulungi bwonna n'obutuukirivu n'amazima; nga mukeberanga Mukama waffe ky'ayagala bwe kiri.*” (Abaefeso 5:9-10).

Omusango ogw'abatume n'agwo musango gwange. Ekyokulabirako nti bonna abalonde kaakano abawulira ekigambo kya Katonda era ne bakikkiriza bafuuka era ne bakkirizibwa Katonda: “*Era nange nze ntegeeredde ddala ebyammwe, baganda bange, nga nammwe mujjudde obulungi, mujjudde okutegeera kwonna, nga muyinza n'okubuuliriragananga mwekka na mwekka. Naye nneeyongedde okuguma katono okubawandiikira, nga kubajjukiza nate, olw'ekisa kye nnaweewwa Katonda, nze okubeeranga omuweereza wa Kristo Yesu eri ab'amawanga nga nkolera enjiri ya Katonda omulimu gwa kabona, ssaddaaka y'ab'amawanga eryoke esiimibwe ng'etukuzibwa Omwoyo Omutukuvu.*” (Abaruumi 15:14-16). Kino n'akyo kye kiribeera ne kaakano, ku nkomerero y'ekiseera ky'ekisa. Nga ekyamazima nga Katonda bwe yatuma omubaka we, so n'obubaka bwe bulimaliriza kye bwatumirwa. Era kubanga kyali kigambo ekyava mu lulimi lwe, tekiri ddayo bwereere naye kirmaliriza buli kintu Katonda kye yayagala (Isaaya 55). Amiina.

## **Ekiseera ekisinga omugaso eri ekkanisa: Omulembe gw'omugole**

Tulaba nti obunnabbi bwa Baibuli butuukirizibwa mu bifo byonna. Kituufu ddala kiseera kya nkomerero, era nga twawabulwa bulungi okutwala ekyo Mukama waffe kye yayogera mu bumalirivu: “... *bwe mutyo nammwe bwe mulaba ebigambo ebyo byonna ...*” (Matayo 24:33; Makko 13:29; Lukka 21:31). Kituufu tubilaba, tumanyi obubonero bwe kiseera era n'obubaka, era tuyimuse waggulu emitwe gyaffe kubanga obununuzi bw'emibiri gyaffe buli kumpi (Abafiripi 3:21).

N'ayogera gye tuli ebigambo bino: “*Naye Mutunulenga mu biro byonna musabenga musobole okudduka ebyo byonna ebigenda okubaawo n'okuyimirira mu maaso g'Omwana w'omuntu.*” (Lukka 21:36).

Omutume Yokaana yatulaga ekitugatta buterevu wakati w'enjigiriza era n'okukomawo kwa Mukama: “*Nammwe okufukibwako amafuta kwe mwaweebwa ye kubeere mu mmwe, so temwetaaga muntu yenna okubayigirizanga; naye ng'okufuka kwe okw'amaafuta bwe kubayigiriza mu bigambo byonna, era kwa mazima so si bulimba, era nga bwe kwabayigiriza, mubeerenga mu ye. Ne kaakano, abaana abato, mubeerenga mu ye; bw'alirabisibwa tulyoke tubeere n'obugumu, era ensonyi zireme okutukwatira mu maaso ge mu kujja kwe.*” (1Yokaana 2:20-28).

Oluvannyuma lw'omutume Yokaana bwe yawandiika ku bintu byonna, yali yawandiika ne ku mbaga ey'obugole, omusango gw'entebe enjeru n'egulu eriggya era n'eggulu eriggya, yateeka esira nate mu kubikkulirwa 21 nsonga ki enkulu eri ffe mu biseera byaffe, eky'okulabirako nti tweteeseteese era tuli kitundu ku bawanguzi: “*Awangula alisikira ebyo: nange nnaabeeranga Katonda we, naye a naabanga mwana wange.*” (v. 7).

Okuyita mu kubikkulwa kw'obubonero, Buli kintu ekiri mu ntegeka ya Katonda ey'obulokozi kibikuddwa.

Mu sula esembayo, Yokaana yalagirwa: “*N'angamba nti toteeka kabonero ku bigambo eby'obunnabbi obw'ekitabo kino; kubanga obudde buli kumpi.*” (Okubikkulirwa 22:10). Kituufu, ebiseera by'okutuukirizibwa okusembayo bituuse; biri kumpi. Ebigoberera nabyo bituukirizibwa kaakano: “*Ayonoona abeere ng'akyayonoona: era*

*omugwagwa abeere ng'akyali mugwagwa: era n'omutuukirivu, abeere ng'akyakola obutuukirivu, era n'omutukuvu abeere ng'akyali mutukuvu.”* (v. 11).

Ku nkomerero, **BW'ATYO BWAYOGERA MUKAMA** Kigenda eri abo bonna abakikabirira: “Mukama waffe, jangu!” “*Laba, njija mangu; n'empera yange eri nange, okusasula buli muntu ng'omulimu gwe bwe guli. Nze Alufa ne Omega, ow'olubereberye era omukoobezi, okusooka n'ekomero.*” (Okubikkulirwa 22:12-13). Oluvannyuma lw'ekyo n'ewajja emikisa: “*Baweereddwa omukisa abayozza ebyambalo byabwe, balyoke babeere n'obuyinza ku muti ogw'obulamu, era balyoke bayingire mu kibuga nga bayita mu miryango.*” (v. 14)

“*Kale tutyenga nti okusuubiza okw'okuyingira mu kiwumulo nga bwe kukyatulekeddwa, omuntu yenna ku mmwe aleme kulabika nga takutuuseeko.*” (Abaebbulaniya 4:1).

Katonda akituwe. Amiina.

### **Okw'egatta kw'enzikkiriza zonna**

Okw'egatta kw'enzikkiriza zonna ez'amakkanisa g'abaprotestanti n'amaddini mu kweggata kw'amakkanisa g'ensi yonna nga n'okwegatta kw'amakkanisa g'abalutheran n'ekkanisa ya Catholic kye kisinga okuteekebwako esira mu bakyise. Mu kulaga omwaka gw'amajaguza 2017, nga okw'ejukanya okw'okuza obuggya, Vatican ekalambidde ku kkanisa ya Lutheran mu lwatu okweyawula ku bigambo ebyayogerwa ne Martin Luther nti Papa ye mulabe wa Kristo. Mu ngeri ey'enjawulo mu kuwa ekyokulabirako mu kitabo kya Danyeri mu Baibuli okuva mu 1543, Luther y'eyongerera n'ayita papa “ekomo ku Kristo” era “Omulabe wa Kristo” mu nsi ey'okuza obuggya, obweggasi bwe kkanisa emu bulina okuzibwawo, bagamba. Ekkkanisa ya Yesu Kristo, naye, tekoseddwa na kino: yamala dda okwegatta ne Kristo, nga ye mutwe. “*Nze mu bo, naawe mu nze, batuukiririre okuba obumu; ensi etegeerenga nga ggwe wantuma, n'obaagala bo, nga bwe wanjagala nze.*” Abaana ba Katonda bamanyi Kitaffe omu yekka omutukuvu, era ali mu ggulu. Basaba: “*Kitaffe ali mu ggulu erinnya lyo litukuzibwe.*” bagendera ku kiragiyo ky'omununuzi: “*Era temuyitanga muntu ku nsi Kitammwe: kubanga Kitammwe ali omu, ali mu ggulu.*” (Matayo 23:9).

Kino kye kiseera ky'ensi yonna okw'egatta: mu by'enfuna, mu by'obufuzi, era ne mu nzikkiriza. Eky'okuna, kirimaanyi esembayo, obwakabaka bw'abaruumi buli kubeerawo mu maaso gaffe gennyini, era nga bwe kyawandiikibwa, bulimenyaamenya ensi zonna (Danyeri 7:23).

### **Okutakabanira eddembe**

Ebyawandiikibwa ebitukuvu bitulaga mu bifo bingi mu ndagaano enkadde n'empya ku bigenda okubaawo mu kiseera ky'enkomerero. Ebintu kaakano ebikolebwa mu nsi zonna mu lwatu biraga nti okukomawo kwa Kristo okwasuubizibwa kuli kumpi nnyo. Amaaso gonna mu kiseera kino okusingira ddala gatunulidde ekyo ekigenda mu maaso mu makati g'ebuvanjuba: ku Isiraeri, ku Iran, ne ku Syria. Amawulire agagenda mu maaso era agakuganyizibwa ne gogeerwa ku mikutu gy'amawulire gatukanga emitima buli lunaku olukya. Okutakabanira eddembe kweyongerredde ddala okwetaggisibwa, era mu ekyo ne Vatican ebibeeramu nga ow'obuyinza asinga amanyiddwa mu nsi zonna.

Akiseera “... *bwe baliba nga boogera nti mirembe siwali kabi ...*” kiri mu kutuuka. Naye giriba mirembe, kubanga “... *okuzikiriza okw'amangu ne kulyoka kubajjira ...*” (1 Abasessaloniika 5:3).

“*Woowe, oluyoogaano lw'amawanga amangi, agawuluguma ng'okuwuluguma kw'ennyanya; n'okuwulukuka kw'amawanga agawulukuka ng'okuwulukuka kw'amazzi ag'amaanyi. Amawanga galiwulukuka ng'okuwulukuka kw'amazzi amangi naye alibanenya ...*” (Isaaya 17:12-13) bwe balikyukira Isiraeri ne Yerusaalemi: “*Nti Laba, nze ndifuula Yerusaalemi ekikompe eky'okutagatta, eri amawanga gonna enjuyi zonna, era eriba n'eri Yuda bwe bazingiza Yerusaalemi. Awo olulituuka ku lunaku luli ndifuula Yerusaalemi ejjinja erizitowa eri amawanga gonna; bonna abaliryebinika balifumitibwa nnyo ebiwundu; era amawanga gonna ag'ensi galikunggaana okukirwanyisa.*” (Zekkaliya 12:2-3).

Tekyetagisa nate okuwandiika ebikolebwa ku bikwata ku kiseera ky'enkomerero. Ebifo byonna, buli kintu kikolebwa mu ngeri y'akyo, wadde nekyukakyuka y'obudde. Emirundi mingi, tuyinza okwezamu amaanyi: “... *Naye ebigambo ebyo bwe bitanulanga okubaawo*”

*mutunulanga waggulu, muyimusanga emitwe gyammwe: kubanga okununulibwa kwammwe kunaatera okutuuka.”*

Ekyawandiikibwa mu 1Abasessaloniika 5 kigendera ddala eri fenna: *“Naye mmwe, ab'oluganda temuli mu kizikiza, olunaku luli okubasisinkaniriza ng'omubbi.”* (vv. 4-11). Abantu ba Katonda, omugole w'Omwana gw'endiga: Laba, anaawasa omugole ajja mufulume okumusisinkana. Ajja mangu!

*“Kubanga wakyasigaddeyo akaseera katono nnyo, ajja alituuka, so talirwa.”* (Abaebbulaniya 10:37)

### **Enkomerero y'omwaka 2012**

Emyaka zijja ne zigenda; esawa zisobola okuyimirira, naye ebiseera bisigala bitambula. Omwaka 2012, kaakano ogutuli emabega, gwali mwaka mulala ogw'omukisa ennyo. Awatali kubuusabuusa kwonna, emmeme nnyingi ez'omuwendo zagattibwa mu bwakabaka bwa Katonda okuyita mu ngendo z'obuweereza. Okusingira ddala twebaza olw'okutusobozesa okutuuka ku bantu abatabalika mu nsi zonna okuyita ku mitimbagano. Kaakano, okuyungibwa ku kubuulira buterevu kususe akabonero k'olukumi. Ekungganiro erisinga obunene ery'omukyalo eritwegattako okuyita ku mitimbagano eri mu kitundu kya Kolwezi mu D.R.C. Omusumba wabwe, Ow'oluganda Mwamba, yatuwa amawulire nti mu gandalo erisooka mu mwezi gw'ekkumi ab'oluganda abasuka 3000 ne banyinaze baaliwo era n'ebalaba buterevu. Ku gandalo erisooka mu mwezi gw'ekkumi n'omu, ekkanisa n'ayo mu Ulan Bator, Mongolia, yayungibwa ku mukutu omulundi ogusooka.

Kya kwewunya e'ngeri Katonda gy'atugabiridde buli kintu: eri ab'oluganda baffe abalina obukugu mu byuma bya kali magezi era n'eri ab'oluganda ne banyinaze abamanyi ennimi ez'enjawulo so nti tusobole okuweereza zonna mu nnimi 13 ez'enjawulo mu maloboozi ne mu buwandiike.

Omuwendo gwa DVDs oguweerezebwa buli mwezi gususe 9000. kya kwewunya nti abantu bonna mu nsi zonna basobola okuwulira okulangirirwa kw'ekumu era bayungibwa buterevu ku ekyo Katonda kye yasubiza ne kyali kukola kaakano. Bwe kityo, obubaka obusembayo obw'enjiri enzijuvu butuuse enkomerero z'ensi, era okusinzira ku Matayo 24:14, enkomerero eryoke ejje. N'ebaza abo

bonna abetabye mu mulimu gwa Katonda, kakibeere kiseera kyonna oba kaseera katonu.

Ne kulwe nnyumba entono ey'okusaba n'ebaza Mukama wange. Ekifo ekikulu ekyateekebawo abantu mwe batula kituuzabantu nga 570; we tugattako ekisenge ekirirwamu emmere, n'ekiryoka kituuzabantu abasuka mu 1000. Ennyumba ezisurwamu zisobola okusuza ab'oluganda ne banyinaze nga 400 abava mu ngendo ez'ewala okujja mu nkunggaana ezitegekebwa ku buli gandalo erisooka ery'obuli mwezi.

Eri mwe, ab'oluganda bange ne banyinaze abagalwa mu Kristo, oyo yenna mu kukkiriza okuwagira kwonna era n'okusaba okoze ekitundu kyo mu mulimu gwe mbebaza okuvira ddala wansi w'omutima gwange.

Katonda y'eyongere okuwa omukisa ab'oluganda bonna abaweereza mu nsi yonna abali ekitundu mu kulangirira era abaweereza emmere ey'omuwendo ey'omwoyo ku meza ya Mukama. Abawala abalongoofu abagezi nabo bakkiriza Mukama yennyini kye yagamba mu Matayo 24:45-47, ba kitundu ku ekyo Katonda kyali kukola kaakano era mu kumaliriza aligenda ku mbaga ey'obugole (Matayo 25:10).

Mukama waffe kye yayogerako mu sula esembayo ey'enjiri ya Matayo ntuufu n'okutuuka ku nkomerero: *“... nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo.”*

Kituufu, bulijo, n'abuli muntu ku mmwe. Mufune era mukkirize na kukkiriza, wadde ne mu bigezo ebikalubu. Yasuubiza nti alikola ebintu byonna okutuukirira. Yakitandiika; era alikimaliriza. Ekitiibwa kibeere gyali kaakano era n'emirembe gyonna. Amiina.

Kulwo mwaka 2013, mbagaliza mmwena omukisa gwa Katonda mu linnya lya Yesu etukuvu.

Mu kulagirwa kwe

*Bro. Frank*



Ekifaananyi okuva mu mwezi gw'omukaaga 3, 2012. okuva mu 1960s, tufunye omukisa okubatiza enkumi z'abakkiriza ab'enjawulo mu linnya lya Mukama Yesu Kristo.

Bw'oba nga oyagala ku bitabo byaffe, oyinza okutuwandiikira ku ndagiriro zino wansi: **Mission Center, P.O Box 100707, 47707 Krefeld, Germany**

Oyinza okutufuna ku mitimbagano enkuggana zaffe ezibaawo ku buli gandalo erisooka mu mwezi ku Ssabbiiti ebiseera bye ky'egulo 19:30h (Central European Time), ne kulunaku olubereberye mu nnaku omusanvu ku makya

10:00 h. Embuulira ziwulirwa mu nnimi 13 ez'enjawulo mu nsi yonna. Ba kitundu mu ebyo Katonda byali kukola kaakano okusinzira ku ntegeka ze ez'obulokozi!

Oyinza okutusanga ku mitimbagano wansi “**Apostolic Prophetic Bible Ministry**”

Homepage: <http://www.freie-volksmission.de>

E-mail: [volksmission@gmx.de](mailto:volksmission@gmx.de) – Fax: +49-2151/951293

OR

Homepage: [www.misia.sk](http://www.misia.sk) – E-mail: [gospel2nations@misia.sk](mailto:gospel2nations@misia.sk)

Tel. Uganda: +256 (0) 786 892 319 or +256 (0) 784 103 735

© N'omuwandiiisi Ewald Frank

**LUGANDA**